

EBIKAKASA OKUTUUKA KW'OMWEZI GWA RAMADHAN

Okutuuka kw'omwezi gwa Ramadhan kukakasibwa nga tusenziira ku kimu ku bibiri.

1. Okulabibwa kw'emboneekerera y'omwezi gwa Ramdahn (nga gubonese). Singa guboneka olwo Nno okusiiba kuba kukakase nga bwagamba Omubaka swalla Llahu alaihi wasallama mu Hadiith eyawandikwa Imam Bukhaar ne Imam Musilim nti:

“Bwemulabanga emboneekerera (y'omweezi gwa Ramadhan) musiibe ate era bwemulabanga emboneekerera (y'omwezi ogwa Shawwaali) musibulukuke”.

Era kimala okukakasa okuboneka kw'omwezi gwa Ramadhan omuntu omu omwenkanya (amakulu nga mukkiriza atya Allah), wabula kwo okuboneka kw'omezi gwa Shawwaali tukukakasiza ku kugulaba kw'abantu babiri era abeknanya naye omu tatumalira.

2. Okujjula kw'ennaku asatu ez'omwezi gwa Sha-aban, singa omwezi gwa Sha-aban gujjuzza ennaku zaagwo asatu olwo oluddako lubeera lunaku olusooka mu Ramadthan, nga bw'agamba Omubaka mu Hadiith eyawandikibwa Imam Bukhaar ne Muslim:

Yagamba omubaka swalla Llahu alaihi wasallama nti: “.....bwe guba gubikkidwa (ebire ne mutagulaba) kale mujjuze ebbanga lya nnaku amakumi asatu eza (Sha-aban)”.

ABALINA ALUKUSA OBUTASIIBA

Okusiiba kuno bwe kwabeera nga kwa tteeka, ate Allah alina be yawaayo olukusa olw'okubulwa obusobozi obusiiba basiibulukuke, era be bano wammanga:

1. Omulwadde oyo asubira okuwona nga akuluubirirwa okusiiba, omuntu oyo akkirizibwa okulya oluvanyuma lw'okuwona n'aliwa ennaku ezo ze yalya. Wabula oyo abeera nga obulwadde bwe tebusubirirwa kuwona oyo takakibwa kusiiba wabula yye aliisa omunaku omu buli lunaku ekigero ekyenkana **kilo emu n'ekitundu (1.5kg)** ekyo mwali, Oba akyayinza okufumba emmere omulundi gumu n'ayita omuwendo gw'abantu ogwenkanankana n'ennaku z'aba aliddemu n'abaliisa.

2. Omutambuze ali mu ngendo, ono omutambuze naye akkirizibwa okulya amangu nga avudde mu kitundu mw'awangaalira okutuusa lw'anakomawo mukyo. Ebbanga ly'amala nga taleese **nnya** ya kubeerera ddala eyo gy'alaze.

3. Era n'omukyala bw'abeera ow'olubuto akkirizibwa okulya singa batya nti bwe banaasiiba bbo kenyini bajja kufuna obuzibu oba omwaana oyo ayonka oba ali munda mu lubuto, so nga singa okuyonsa kuno oba olubuto biggwa abakyala bano balina okuliwa ennaku ze baalya.

4. Omukulu mu myaka oyo akaluubirirwa okusiiba, oyo naye alina olukusa lw'okulya n'abeera nga aliisa buli lunaku omuntu omu mw'abo abateesobola so nga yye ono taliwa nnaku ezo z'aba alidde.